
# Mmengo etegese okufunira ab'e Ssese ne Buvuma eryato okuli eddwaaliro

**Bya DICKSON KULUMBA**



Eryato okuli eddwaaliro erigenda okukolebwa. Mu katono ye Lwasa

OBWAKABAKA bwa Buganda bumalirizza entegeka ez'okukeeta eryato erikola ng'eddwaaliro okutuusa obujjanjaba ku bantu b'oku bizinga by'e Ssese ne Buvuma

Entegeka eno Obwakabaka bugikoze n'aba Rotary International nga kiri wamu ne Lotale z'omu Uganda. Eddwaaliro ly'eryato eriseeyeyeza ku mazzi ligenda kumalawo akawumbi kamu n'obukadde 600 okutandika okukola.

Omumyuka w'omukubiriza w'olukiiko lwa Buganda, Hajj Ahmed Lwasa era nga ye Mukwanaganya w'enkolagana ya Lotale n'Obwakabaka ye yanjudde enteekateeka ya Pulojekiti eno eri olukungana lwa bannamawulire ku kitebe ky'Obwakabaka e Mmengo n'ategeeza nti eri wansi w'okutuukiriza Nnamutaayika wa Buganda 2023-2028 ali ku mulwamwa ogwokubiri ogugamba nti okusitula embeera z'abantu ba Buganda mu by'enkulakulana n'ebyenfuna.

Omumyuka w'omwami w'essaza lya Northern California ne Nevada, Paul Kiruuta ng'ono ye yali alindiridde okubeera Pulezidenti wa lotale ye Antioch mu 2023 yawa amawulire ag'essanyu nga kiraabu eno bweyali ey'okukolagana ne lotale ya Kampala Ssese Islands okuteeka mu nkola ekirowoozo kino.

Hajj Lwasa yagambye nti oluvanyuma lwa Rotary International okukkirizza okubakwatirako, Obwakabaka ne Bannamukago balina okutoola mangu ssente ezinaasobozesa eddwaliro lino okutuusibwa kuno mu bwangu.

" Ku nsimbi zino, Buganda Amakula/Essaza Northern California ne Nevada baakutoola 109,500,000/-, Lotale ya Antioch 60,225,000/-, Lotale ya Kampala Ssese Islands 20,000,000/-, bannamukago abakolagana ne Lotale 711,750,000/-," Hajj Lwasa bwe yamenyemenye engeri ensimbi z'eryato lino bwezinaafunibwamu.

Yagaseeko nti amangu ddala ng'ensimbi ezo zifuniddwa, Rotary International egenda kugattako ezibulayo ku ddwaliro n'ebirikolamu.

"Eryato lino ligenda kuzimbirwa kuno. Ebyuma bwebinajja bigenda kutuusibwa e Ssese mu mikono gya Kampala Ssese n'Omwami w'essaza ly'e Ssese ng'ono agenda kunoonya abantu abanaayamba mu mulimu gw'okuzimba era bayige nga bwekikolebwa," Kawuki bwe yagambye.

Bwerinaamalirizibwa okuzimbibwa lyakudda mu mikono gy'Obwakabaka n'okulondoolwa kwa Lotale ya Kampala Ssese Islands okumala emyaka etaano. Okusinzira ku ndagaano ebbanga eryo bwerinayitawo olwo obuvunanyizibwa busigale mu Mikono gy'Obwakabaka.